

## Luganda Leaflet on Resurrection & Judgment OKUZUUKIRA N'OMUSANGO

Bw'onoomala okusoma akatabo kano on'oba omaze okufuna okuddibwamu eri ebibuuzo bino wansi:

Kiki Baibuli ky'egamba ku butafa (okubeerawo emirembe n'emirembe)?

Kiki ekitubeerako nga tufudde?

Okuzuukukizibwa kw'abafu kulibeerawo ddi?

Ani Yesu Kristo gw'alisalira omusango, era lwaki?

Abantu bangi balina endowooza nti bwe bafa waliwo ekintu ekitafa ekibabeeramu ekigenda mu ggulu.

Naye Baibuli yo etutegeeza kilala. Eyogera ku bantu abaliba nga bazuukizibwa okuva mu bafu. (Abafiripi 3:11). Era balina okulabisibwa Yesu w'alisalira omusango (2 Bak 5:10). Katonda alizuukiza abafu era abasalire omusango. Abagoberezi ba Yesu Kristo abeesigwa balibeera naye emirembe gyonna.

### 1. KIKI BAIBULI KY'EYOGERA KU BUTAFA?

Ekgambo 'obutafa' kyikozesebwa emirundi mukaaga bwe tutunuulira ebitundu byonna ebighambo bino we bikozebwa, tuyiga bino:

Katonda ye yaliwo okuva edda n'edda era wa mirembe na mirembe (1 Timoseewo 1:17).

Omuntu talina wayogererwako wonna nti alina obulamu obutafa kaakano (1 Timoseewo 6:16).

Yesu Kristo "eyajjawo okufa n'amulisa obulamu n'obutazikirira olw'enjiri" (2 Timoseewo 1:10).

Kino kitegeeza nti omuntu yali talina bulamu bwa lubeerera (obutafa) nga Yesu tannaba kujja. N'olwekyo, ne kilabika nti omuntu tabeeranga na mwoyo gutafa okuva olubereberye. Essuubi lyaffe ery'obutafa lyesigamye ku kuwangula kwa Yesu Kristo ekibi. Kino kysisoboka kati olw'okuba yazuukira mu bafu n'afuna obulamu obw'olubeerera. Eri ebeesigwa kino kirisoboka-obutafa olw'ekisa kya Katonda, nga Yesu Kristo akomyewo okuzukiza abafu. Obutafa tebwatukolerwamu, mu mibiri gyaffe.

Tulina "okunoonya ekitiibwa, n'ettendo, n'obutaggwaawo" (Barumi 2:7). Obanga tulina okunoonya obutaggwaawo, tekisoboka kuba nti kati tubulina. Olunaku lujja "Katonda kw'alisalira omusango gw'ebyama by'abantu ku bwa Yesu Kristo" (Barumi 2:16). Obulamu obw'olubeerera "Kirabo kya Katonda" (Barumi 6:23).

Baibuli eyogera ku ngeri y'emibiri. Waliwo "Omubiri gw'omukka" n'omubiri ogw'omwoyo" (1 Abakkolinso 15:44). Omubiri ogw'omwoyo si kitundu ku gw'omukka. Paulo atutegeeza nti "guno ogufa gulina okwambazibwa ogutafa". (1 Abakkolinso 1:53).

Enkyukakyuka mu butonde yeetagisa. Era ekyo kiribaawo nga "guno ogufa gumaze okwambala ogutafa." Olwo ne kiryoka kiba nti "Okufa kumiriddwa mu kuwangula.

Ensomesa eno yanjawulo kw'eyo abantu gye bakwata nga ekikwate egamba nti "omubiri gweyambulwako" okusumulula omwoyo gube nga gugenda! Endowooza eno mu Baibuli tesangibwamu.

Ery'abo abamanyi entekateeta ya Katonda Baibuli etuwa ebintu bino nga bwebiddiringana;

Tulina obulamu obw'omu butonde mu mubiri ogw'omukka.

Amangu oba eddako, tulina okufa.

Yesu alidda nate okuzuukiza abafu.

Yesu atusalire omusango.

Awo tuweebwe omubiri gw'omwoyo n'obulamu obw'olubeerera oba okuzikirizibwa (okufa emirembe n'emirembe).

Naye Yesu bw'akomawo nga te tunnafa alitusalira omusango wamu nabo abalizuukizibwa. Baibuli telina w'eyogerera ku bantu nti balina emyooyo egitafa. Wabula eyogera emirundi mingi ku kuzuukira kw'abafu.

## 2. KIKI EKITUBEERAKO NGA TUFUDDE?

Baibuli emirundi mingi okufa ekuyita: "kwebaka". Mu lugero lwa Lazaalo (Yok 11) Yesu yagamba nti "Mukwano gwaffe Lazaalo yeebase, naye ngenda okumuzuukusa...Naye Yesu yayogera ku kufa kwe...Awo Yesu n'alyoka ababuulira lwatu, nti Lazaalo afudde (akanyiriri 11 – 14).

Lwaki Yesu yakozesa ekigambo "Yeebase"? Kubanga bwe tuba twebase tetubaako kyetumanya okutuusa nga tuzuukuse. Baibuli eyogera mu ngeri y'emu ku kufa : "Kubanga tewali ku kirira mu kufa" (Zabbuli 6 : 5).

Lazaalo yali nga ya kamaze ennaku nnya nga mufu oluvannyuma lwa Yesu okumuzuukiza (Yokana 11 : 39) Singa omwoyo gwe gwali gugenze mu ggulu mu kiseera kino, Lazaalo yandibadde nga abanyumiza bye yalaba. Naye taliiko kye yayogera ne kiba nga kitegeeza nti Lazaalo ono yali "yeebase" emagombe, nga taliiko ky'amanyi. Tewali kyamuvaamu okugenda awalala wonna.

Essubi lyaffe lisaanye okuba ng'erya Maliza. Maliza yali akkiririza mu kuzuukira kw'abafu ku lunaku, lw'enkomerero (Yokaana 11:24).

## 3. OKUZUUKIZIBWA KWA BAFU KULIBEERAWO DDI?

Okuzuukira kulibeerawo nga Yesu Kristo akomyewo ku nsi okussaawo obwakabaka bwa Katonda (Lukka 1: 32,33). Yesu agamba nti: "Buli yenna alaba omwana era n'amukkiriza aba n'obulamu obutaggwaawo; nange ndi muzuukiza ku lunaku olw'enkomerero" (Yokaana 6:40).

Omutume Paulo agamba nti: "Nga bonna bwe baafiira mu Adamu, era bwe batyo mu Kristo bonna mwe balifuukira abalamu:... Kristo gwe mwaka omubereberye oluvannyuma aba Kristo mu kujja kwe" (1 Abakkolinso 15: 22,23).

Yesu ne mutume Paulo bakkiriziganya mu kino:

a) Amazima agakwata ku kuzuukira kw'abafu, ne

b) ddi lwe kulibeerawo.

Bakimanyi bulungi. Kale tokkiriza buli yenna akubuulira okukujja ku byawandiikibwa bino.

#### 4. BAANI ABALISALIRWA OMUSANGO ERA LWAKI?

Baibuli atutegeeza nti abantu bangi balisalirwa omusango nga Yesu akomyewo Paulo agamba nti: "Yesu Kristo alisalira abalamu n'abafu omusango ku lw'okulabika kwe n'obwakabakabwe" (2 Timoseewo 4:1). Abantu ab'obuvanaanyizibwa be bo abamanyi ku Katonda. Bonna baliyimirira mu maaso g'entebe y'emisango eya Kristo....nti na buli omu alyeyogerako eri Katonda (Abaruumi 14: 10,12).

Kale obanga Yesu tannakomawo kusala misango, lwaki wandirowoozezza nti abamu bali mu bulamu bw'olubeerera?

Si bonna abamanyi Katonda nti baakulokolebwa. Yesu yagamba ebimu ku bibiina bya bantu nti "baliraba Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo ne ba nabbi mu Bwakabaka bwa Katonda, naye mmwe nga musuulibwa bweru" (Lukka 13:28).

Abo abaliba nga baamuweereza bulungi, Yesu alibagamba nti: "Mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi" (Matayo 25:34).

Abantu bonna abataamanya kubi kwata ku Katonda tebalizuukizibwa ku lw'omusango Danyeri atubuulira nti: "Bangi (naye si bonna) kw'abo abeebaka mu nfuufu y'ensi balizuukizibwa" (Danyeri 12:2).

Lwaki wagenda kubera omusango? Kubanga okuva Katonda lwe yatonda ensi, Katonda yawa abantu okusalawo. Tuyinza okusalawo okumogoberera oba okwesanyusa ffe. Nga nawe kw'oli.

Katonda abeera musanyufu bwe tusalawo okugoberera enkola ye. Abo abakola ekyo," kitammwe asiima okubawe mmwe obwakabaka" (Lukka 12: 32).

Kitufu, oyagala okubeera mu bwakabaka bwa Katonda? Abakkiriza ate nga beesigwa bayinza okulindirira n'essuubi omukisa guno ogwewuunyisa. Katonda agenda kusindika Yesu Kristo okuleeta emirembe mu nsi enneetaavu. Ajifuge nga Kabaka yonna yonna (Zabbuli 72: 8-11). Oluvannyuma lw'okuzuukira n'omusango, obo abalilokolebwa baliyambako Yesu okubuulira enjiri eri amawanga. Bw'owereza Katonda kati oliba wuwe ku lanaku luli "bwe waliba nga tewakyali kufa, oba nnaku newakubadde okukaaba, newakubadde okulumwa..." (Okub. 21:4).

"Naye Katonda yeebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo." (1 Abak. 15:57).

Webuzzeko eri Aboluganda mu Kristo abakuli okumpi oba wandiikira:

CHRISTADELPHIAN BIBLE MISSION

c/o 404 Shaftmoor Lane,

Birmingham,

B28 8SZ,